

# Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu eri **Abafiripi**

## *Okulamusa*

<sup>1</sup> Nze Pawulo ne Timoseewo abaddu ba Kristo Yesu tuwandiikira abatukuvu bona mu Kristo Yesu abali mu Firipi, awamu n'abalabirizi n'abadiikoni; <sup>2</sup> ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo, bibeerenga nammwe.

## *Okwebaza n'Okusaba Katonda*

<sup>3</sup> Nneebaza Katonda wange buli lwe mba-jjukira, <sup>4</sup> era buli lwe mbasabira mwenna ns-aba nga nzijudde essanyu. <sup>5</sup> Kubanga okuvira ddala ku lunaku olwasooka n'okutuusiza ddala kaakano mwetaba wamu nange mu njiri. <sup>6</sup> Nkakasiza ddala nti oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe, aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Kristo Yesu. <sup>7</sup> Kino kituufu okubalowoozaako bwe ntyo mwenna, kubanga mundowoozaako mu kusibibwa kwange ne mu kulwanirira Enjiri, ne mu kuginyweza, nga mwenna mwetaba wamu nange mu kisa. <sup>8</sup> Katonda ye mujulirwa wange nga mwenna bwe mbaagala n'okwagala okuva eri Kristo Yesu. <sup>9</sup> Mbasabira nti okwagala kwammwe kweyongerenga, era mujule amagezi n'okutegeera, <sup>10</sup> mulyoke mulonde ekisinga obulungi, olunaku lwa Kristo bwe lulituuka lubasange nga

muli balongoofu abataliiko kamogo, <sup>11</sup> nga mujjudde ekibala eky'obutuukirivu ku bwa Yesu Kristo, olw'okuweesa Katonda ekitiibwa n'okumutendereza.

### *Obusibe bwa Pawulo Bubunyisa Njiri*

<sup>12</sup> Abooluganda, njagala mmwe mutegeere kaakano nti ebimu ebyambaako byongera bwongezi kubunyisa Njiri, <sup>13</sup> n'okusibibwa kwange kulyoke kulabise Kristo eri olusiisira lwonna olw'abaserikale ba kabaka n'eri abalala bona. <sup>14</sup> N'abooluganda mu Mukama waffe abasinga obungi beeyongedde okuguma olw'okusibibwa kwange, era nga bamaliridde okwanjanga okubuulira nga tebatya.

<sup>15</sup> Weewaawo abamu bategeeza abantu Kristo lwa buggyga na kuvuganya, naye abalala bakikola mu mwoyo mulungi. <sup>16</sup> Bano bakikola lwa kwagala, kubanga bamanyi nga nalondebwaa lwa kulwanirira Njiri. <sup>17</sup> Naye bali bategeeza Kristo lwa kuvuganya, so si mu mazima, nga balowooza nti banaayongera okunnakuwaza mu busibe bwe ndimu. <sup>18</sup> Naye nze nfaayo ki? Kristo bw'abuulirwa, mu buli ngeri, ova za bukuusa ova za mazima, nze nsanyuka busanyusi.

Era nzija kweyongera okusanyuka. <sup>19</sup> Kubanga mmanyi nti olw'okunsabira n'olw'amaanyi g'Omwoyo wa Yesu Kristo, ndifuna okulokolebwa kwange. <sup>20</sup> Neesiga era nsubirira ddala nti sijja kuswala mu nsonga n'emu, wabula ne kaakano nzija kuguma nga bulijo, Kristo agulumizibwe mu mubiri gwange, ova okuyita mu bulamu ova okuyita

mu kufa. <sup>21</sup> Nze mba mulamu lwa Kristo era ne bwe nfa mba ngobolodde. <sup>22</sup> Naye obanga bwe mba omulamu mu mubiri ng'ekyo kibala ky'okufuba kwange, simanyi kye nnaalondawo. <sup>23</sup> Nkwatiddwa buli luuyi; nneegomba okuva mu bulamu buno njende mbeere ne Kristo, kubanga ekyo kisingako obulungi. <sup>24</sup> Naye okusigala mu mubiri kye kisinga okwetaagibwa ku lwammwe <sup>25</sup> Ekyo nkikakasa era nkimanyi nti nzija kuba nga nkyaliwo mbeere nammwe, mulyoke mwewyongere okusanyuka n'okukula mu kukkiriza, <sup>26</sup> bwe ndikomawo gye muli mulyoke mwewyongere okwenyumiririza mu Kristo ku lwange.

<sup>27</sup> Naye kirungi obulamu bwammwe bubeerenga nga bwe kisaanira Enjiri ya Kristo; ne bwe ndijja oba ne bwe sirija kubalaba, mpulire nti muli banywevu era mwegasse mu mwoyo gumu, nga mulwanirira okukkiriza okw'enjiri n'emmeeme emu. <sup>28</sup> Temutyanga abo ababawakanya kubanga ke kabonero akakakasa nti balizikirizibwa, naye mmwe mulirokolebwa, era ekyo kiva eri Katonda. <sup>29</sup> Kubanga mwaweebwa omukisa, ku lwa Kristo, si mu kumukkiriza kyokka, naye n'okubonaabona ku lulwe. <sup>30</sup> Olutalo lwe mwalaba nga nnwana, era lwe muwulira lwe ndiko kaakano, nammwe lwe muliko.

## 2

### *Mulabire ku Kristo*

<sup>1</sup> Kale bwe wabaawo okubazaamu endasi kwonna mu Kristo, oba okusanyusa kwonna

okw'okwagala, oba okussa ekimu mu mwoyo,  
 oba okwagala okw'engeri yonna, oba okusaasira,  
<sup>2</sup> mutuukirize essanyu lyange, mulowoozenga  
 bumu, nga mulina okwagala, n'omwoyo gumu,  
 nga mulowooza bumu, <sup>3</sup> nga temukola kintu na  
 kimu olw'okuvuganya wadde okwewaana oku-  
 taliimu, wabula mu bwetoowaze nga buli muntu  
 agulumiza munne okusinga bwe mwegulumiza  
 mwekka, <sup>4</sup> nga buli muntu tatuunuulira bibye  
 yekka, naye ng'afaayo ne ku by'abalala.

<sup>5</sup> Mubengamu endowooza eri eyali mu Kristo  
 Yesu,

<sup>6</sup> ye newaakubadde nga yali mu kifaananyi kya  
 Katonda,

Teyeerowooza kwenkanankana ne Katonda,

<sup>7</sup> wabula yeewaayo n'afuuka ng'omuddu,

era n'azaalibwa ng'omuntu,

era n'alabikira mu kifaananyi ky'omuntu,

<sup>8</sup> ne yeetooowaza,

n'aba muwulize n'okutuukira ddala ku kufa,  
 ate okufa okw'okukomererwa ku musaal-  
 aba.

<sup>9</sup> Katonda kyeyava amugulumiza,

n'amuwa erinnya erisinga amannya gonna;

<sup>10</sup> buli vviivi ery'abo abali mu ggulu n'abali ku  
 nsi,

era n'abali wansi w'ensi liryoke  
 lifukaamirirenga erinnya lya Yesu,

<sup>11</sup> era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye  
 Mukama,

Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa.

*Okwakira Ensi*

<sup>12</sup> Noolwekyo abaagalwa, nga bwe muli abawulize bulijjo nga ndi nammwe, kaakano nga bwe siri nammwe mube bawulize nnyo n'okusinga bwe mwali. Munyiikirenga okukola ebiraga nti mwalokolebwa, nga mutya era nga mukankana. <sup>13</sup> Kubanga Katonda yakolera mu mmwe, era yabaagazisa n'abasobozesa okukola by'ayagala, olw'okumusanyusa.

<sup>14</sup> Buli kye mukola mukikolenga awatali kwemulugunya wadde empaka, <sup>15</sup> mulyoke mube nga temuliiko kyakunenyezebwa nga muli balongoofu, mube abaana ba Katonda abatalina bbala, wakati mu mulembe ogwakyama era omwonoonefu, mwe mubeere ekyokulabirako eky'amaanyi mu nsi, <sup>16</sup> nga munyweza ekigambo ky'obulamu gye bali, ndyoke mbeere n'eky'okwenyumiriza ku lunaku lwa Kristo, okulaga nti ssaddukira bwereere so ssaateganira busa. <sup>17</sup> Naye singa ddala nfukibwa ng'ekiweebwayo ekyokunywa ku ssaddaaka ne ku kuweereza okw'obwakabona okw'okukkiriza kwammwe, nsanyukira wamu nammwe mwenna. <sup>18</sup> Era nammwe musanyukire wamu nange.

### *Timoseewo ne Epafuladito*

<sup>19</sup> Mukama waffe Yesu bw'alisiima nsuubira okubatumira mangu Timoseewo, ndyoke nttereere omwoyo nga ntegedde ebibafaako. <sup>20</sup> Kubanga tewali mulala alina ndowooza nga yange, <sup>21</sup> kubanga abalala bonna beenoonyeza byabwe ku bwabwe, so si ebya Yesu Kristo. <sup>22</sup> Naye ye Timoseewo mumumanyi nga

bw'asaanira, kubanga aweerereza wamu nange, ng'omwana bw'akolera awamu ne kitaawe nga tukola omulimu gw'okubuulira Enjiri. <sup>23</sup> Kale oyo gwe nsuubira okubatumira amangu ddala nga naakamanya nga bwe nnaabeera. <sup>24</sup> Naye nkakasa nti Mukama waffe bw'alisiima, nange nze kennyini sirimala bbanga ddene nga sinnajja eyo.

<sup>25</sup> Era ndabye nga kisaanye okubatumira owooluganda Epafuladito mukozi munnange, era mulwanyi munnange, naye ate nga mutume wammwe, omuweereza ow'eb'y'obwakabona ow'eb'y'etaago byange, <sup>26</sup> ayagala ennyo okubalaba, mwenna, eyeeraliikirira ennyo olw'obutabalaba, kubanga mwawulira nga yalwala. <sup>27</sup> Ddala yalwala era yali kumpi n'okufa. Kyokka Katonda yamusaaasira, naye era teyasaasira ye yekka, wabula nange yansaasira ennaku n'eteenneyongera. <sup>28</sup> Noolwekyo nayagala nnyo okumutuma gye muli mulyoke musanyuke okumulaba nate, ekyo kikendeeze ku nnaku gye nnina. <sup>29</sup> Kale mumwanirize nnyo n'essanyu lyonna mu Mukama waffe, era abantu abali ng'oyo mubassangamu ekitiibwa, <sup>30</sup> kubanga yabulako katono okufa ng'ali ku mulimu gwa Kristo, ng'akola ebyo bye mwandinkoledde singa mwali nange.

### 3

#### *Obutuukirivu obwa Nnama Ddala*

<sup>1</sup> Ebisigaddeyo, baganda bange,  
musanyukirenga mu Mukama waffe.

Okuddamu ebyo bye nnabawandiikira edda tekunkooya kubanga kyongera kubanyweza. <sup>2</sup> Mwekuumenga embwa, era mwekuumenga ab'empisa embi, era mwekuumenga abakomola omubiri. <sup>3</sup> Kubanga ffe bakomole, abasinza Katonda ng'Omwoyo bw'atulunjamy, era twenyumiririza mu Kristo Yesu so tetwesiga mubiri.

<sup>4</sup> Ne bwe kwandibadde okwesiga omubiri, omuntu omulala yenna bw'alowooza okuba n'obwesige mu mubiri, nze musinga. <sup>5</sup> Kubanga nze nakomolebwa ku lunaku olw'omunaana. Ndi Muyisirayiri, ow'omu kika kya Benyamini, Omwebbulaniya wawu, era mu mateeka ndi Mufalisaayo, <sup>6</sup> eyanyiikira okuyigganya ekkanisa, eyali omutuukirivu mu mateeka, nga siriiko kya kunenyezebwa.

<sup>7</sup> Naye ebyo byonna ebyali omugabo gye ndi, nabiraba nga butaliimu. <sup>8</sup> Naye okusinga byonna, byonna mbiraba ng'okufirwa, kubanga okutegeera Kristo Yesu Mukama wange, kusinga ebirala byonna. Olwa Kristo nafirwa ebintu byonna, era mbiraba ng'ebisasiro, ndyoke ngobolole Kristo, <sup>9</sup> ndabikire mu ye nga sirina butuukirivu bwange ku bwange obuva mu kukwata amateeka, wabula nga nnina obutuukirivu obuva mu kukkiriza Kristo, era obuva eri Katonda obwesigamye ku kukkiriza. <sup>10</sup> Njagala okussa ekimu mu bibonoobono bye, nga mmu-faanana mu kufa kwe, mmumanye era ntegeere amaanyi g'okuzuukira kwe, <sup>11</sup> nga nsuubira nga nange ndizuukira.

<sup>12</sup> Sigamba nti mmaze okufuna oba nti mmaze

okutuukirira, wabula nfuba okufuna ekyo Kristo Yesu kye yagenderera nfunе. <sup>13</sup> Abooluganda, mmanyi nti sinnakifuna, naye kye nkola kwe kwerabira ebyo ebiri emabega ne nduubirira ebyo ebiri mu maaso. <sup>14</sup> Nduubirira okutuuka awawakanirwa awali empeera ey'okuyita kwa Katonda okwa waggulu mu Kristo Yesu.

<sup>15</sup> Noolwekyo ffe ffenna abatuukiride ekyo kye tusaana okulowoozanga, naye obanga mulowooza bulala, na kino Katonda alikibabikkulira. <sup>16</sup> Naye ka tunywerere ku ekyo kye tutuuseeko.

<sup>17</sup> Kale, abooluganda, mwegatte n'abo abangoberera era mugobererenga abo abatambulira mu ebyo bye twabalaga. <sup>18</sup> Ekyo newaakubadde nkibabuulidde emirundi emingi, nkiddamu nga nkaaba n'amaziga, nti waliwo abalabe b'omusaalaba gwa Kristo, <sup>19</sup> era ekibalindiride kwe kuzikirira, kubanga okulya kubafuukidde katonda waabwe, ebyo ebyandibakwasizza ensonyi kye kitibwa kyabwe era balowooza bintu bya mu nsi. <sup>20</sup> Kyokka ffe obutaka bwaffe buli mu ggulu, era Omulokozi, Mukama waffe Yesu Kristo, gye tumulindirira okuva. <sup>21</sup> Kale bw'alijja emibiri gyaffe gino eminifu egifa aligifuula ng'ogugwe ogw'ekitiibwa, ng'akozesa amaanyi okussa ebintu byonna mu buyinza bwe.

## 4

### *Okuyigiriza*

<sup>1</sup> Kale, baganda bange abaagalwa, era be nnumirirwa omwoyo, mmwe ssanyu lyange era mmwe ngule yange; noolwekyo abaagalwa, muyimirire mu Mukama waffe.

<sup>2</sup> Ewudiya ne Sintuke mbeegayirira mukkiriziganye mu Mukama waffe. <sup>3</sup> Era ggwe mukozi munnange, nkusaba oyambenga abakazi abo, kubanga baakolera wamu nange omulimu gw'okubunyisa Enjiri. Abo awamu ne Kermeneti, era ne bakozi bannange abalala, amannya gaabwe gawandiikkidwa mu kitabo ky'obulamu.

<sup>4</sup> Musanyukirenga mu Mukama waffe bulijo. Nziramu okubagamba nti musanyukenga. <sup>5</sup> Era mubeere n'okuzibiikiriza eri abantu bonna. Mukama waffe, ali kumpi. <sup>6</sup> Temveraliikiriranga kintu na kimu, wabula mu buli kintu mu kusabanga ne mu kwegayiriranga awamu n'okwebazanga, mutegeezenga Katonda bye mwetaaga. <sup>7</sup> N'emirembe gya Katonda, egisukkiridde okutegeera kwammwe ginaabakuumanga amagezi gammwe n'emitima gyammwe mu Kristo Yesu.

<sup>8</sup> Eky'enkomerero, abooluganda, mulowoozenga ku buli kya mazima, na buli ekisiimibwa na buli kya butuukirivu, na buli kirongoofu, na buli kyagalibwa, na buli kyogerwako obulungi, era bwe wabangawo ekirungi oba bwe wabangawo ettendo, ebyo mubirowoozengako. <sup>9</sup> Ebyo bye mwayiga, n'ebyo bye mwafuna ne muwlira, ebyo mubirowoozengako.

### *Okwebaza*

<sup>10</sup> Nasanyuka nnyo mu Mukama waffe, kubanga kaakano oluvannyuma lw'ebbanga muzzeemu okundowoozaako buggya, kubanga mwali munzisaako nnyo omwoyo, naye temwalina mukisa ku kiraga. <sup>11</sup> Soogera kino olwokubanga Ndiko kye nneetaaga, kubanga mu buli mbeera gye mbaamu nayiga okumalibwanga. <sup>12</sup> Mmanyi okubeera nga sirina kantu, era mmanyi okuba nga nnina buli kimu. Mu buli ngeri ne mu bintu byonna nayiga ekyama ekiri mu kukkusibwa ne mu kuba omuyala, mu kuba n'ebingi ne mu bwetaavu. <sup>13</sup> Nnyinza okukola byonna mu oyo ampa amaanyi.

<sup>14</sup> Kyokka mukola bulungi okulumirirwa awamu nange mu kubonaabona kwange. <sup>15</sup> Mmwe, Abafiripi, mumanyi nti bwe nava e Makedoniya nga nakatandika okubuulira Enjiri, tewali Kkanisa n'emu eyampaayo akantu olw'ebyo bye yafuna okuggyako mmwe mwekka. <sup>16</sup> Kubanga ddala ddala bwe nnali mu Sessaloniika mwampeereza emirundi ebiri. <sup>17</sup> Soogera kino lwa kubanga njagala okufuna ekirabo, wabula kye njagala kwe kulaba ng'ekibala kyeyongera ku lwammwe. <sup>18</sup> Naye kaakano nfunye bingi okusinga bye neetaaga, kino kisinzidde mu ebyo bye mwampeereza, Epafuladito bye yandeetera. Biri ng'akaloosa akalungi ennyo aka ssaddaaka esanyusa era esiimibwa Katonda. <sup>19</sup> Kale ne Katonda wange alibawa buli kye mwetaaga ng'obugagga bwe obungi obuli mu Kristo Yesu bwe buli.

**20** Katonda Kitaffe aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina.

**21** Munnamusize buli mutukuvu mu Kristo Yesu; era n'abooluganda abali wano nange b-balamusizza.

**22** Era n'abatukuvu bona babatumidde, naye okusingira ddala abo abali mu lubiri lwa Kay-isaali.

**23** Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe.

Amiina.

**Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano  
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa  
ku katambi™**

**Ganda: Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano  
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa ku  
katambi™ (Bible) of Uganda**

copyright © 2017 Biblica, Inc.

Language: Luganda

Contributor: Biblica, Inc.

This work is made available under the Creative Commons Attribution-ShareAlike 4.0 International License (CC BY-SA). To view a copy of this license, visit <http://creativecommons.org/licenses/by-sa/4.0> or send a letter to Creative Commons, PO Box 1866, Mountain View, CA 94042, USA.

Biblica® is a trademark registered by Biblica, Inc., and use of the Biblica® trademark requires the written permission of Biblica, Inc. Under the terms of the CC BY-SA license, you may copy and redistribute this unmodified work as long as you keep the Biblica® trademark intact. If you modify a copy or translate this work, thereby creating a derivative work, you must remove the Biblica® trademark. On the derivative work, you must indicate what changes you have made and attribute the work as follows: "The original work by Biblica, Inc. is available for free at [www.biblica.com](http://www.biblica.com) and [open.bible](http://open.bible)."

Notice of copyright must appear on the title or copyright page of the work as follows:

**Biblica® Open Akuapem Twi Contemporary Bible™**

Copyright © 1996, 2020 by Biblica, Inc.

"Biblica" is a trademark registered in the United States Patent and Trademark Office by Biblica, Inc. Used with permission.

You must also make your derivative work available under the same license (CC BY-SA).

If you would like to notify Biblica, Inc. regarding your translation of this work, please contact us at <https://open.bible/contact-us>.

This translation is made available to you under the terms of the Creative Commons Attribution Share-Alike license 4.0.

You have permission to share and redistribute this Bible translation in

any format and to make reasonable revisions and adaptations of this translation, provided that:

You include the above copyright and source information.

If you make any changes to the text, you must indicate that you did so in a way that makes it clear that the original licensor is not necessarily endorsing your changes.

If you redistribute this text, you must distribute your contributions under the same license as the original.

Pictures included with Scriptures and other documents on this site are licensed just for use with those Scriptures and documents. For other uses, please contact the respective copyright owners.

Note that in addition to the rules above, revising and adapting God's Word involves a great responsibility to be true to God's Word. See Revelation 22:18-19.

2021-12-30

---

PDF generated using Haiola and XeLaTeX on 21 Feb 2024 from source files dated 16 Nov 2021

b8f803ca-b3a3-5d67-9825-04daa3956553